Bayibuli y'abaana abato

Ekwanjulira

Okuzaalibwa kwa Yesu

Yawandiikiddwa: Edward Hughes

Ebifaananyi bya: M. Maillot

Yakozesebwa: E. Frischbutter; Sarah S.

Yavvuunulwa:
Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira

Yafulumizibwa: Bible for Children
www.M1914.org

©2012 Bible for Children, Inc.
Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya bino,
Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.

Edda ennyo Katonda yatuma Malayika Gabrieli ew'omuwala omulungi ennyo Omuyudaaya, erinnya lye Mariya n'amugamba nti; ojja kuzaala omwana ow'obulenzi omuyite erinnya lye Yesu. aliyitibwa Mwana wa Katonda atenkanika. Alifuga emirembe gyonna.

Mariya n'abuuza nga yeewuunya nti: "Kinaabaawo kitya ekyo kuba nga sibeerangako na musajja." Malayika n'ategeeza Mariya nti omwana ajja kuva wa Katonda. Tewajja kubaawo muntu aba kitaawe.

Malayika olwo n'abuulira Mariya nti Elizaabeeti muganda we alina omwana mu lubuto mu bukadde bwe. Ekyo nakyo nga kyewuunyo. Bwe waayitawo akabanga Mariya n'akyalira Elizabeeti. Ne batendereza wamu Katonda.

Mariya yali ayogerezeddwa okufumbirwa omusajja erinnya lye Yosefu. Yosefu n'anakuwala bwe yamanya nga Mariya alindiridde okuzaala omwana. Yalowooza nti omusajja omulala ye kitaawe w'omwana.

Mu kirooto Malayika wa Katonda, n'abuulira Yosefu nti omwana oyo, Mwana wa Katonda. Yosefu yali wa kuyamba ku Mariya okulabirira Yesu.

Yosefu yeesiga Katonda, era n'aba muwulize eri Katonda. Era n'akola ebyo amateeka g'eggwanga lye bye galagira.

Olw'etteeka eryali likyali empya, Yosefu ne Mariya baagenda mu kabuga k'ewaabwe Beetilehemu, okwewandiisa.


Mariya yali anaatera okuzaala Omwana. Kyokka Yosefu teyasobola kubaako w'amufunira kasenge mu nnyumba.

Ennyumba zonna ezisuza abagenyi zaali zijjudde.

Oluvannyuma, Yosefu n'afuna akafo mu kiraalo ky'ente. Eyo Omwana Yesu gye yazaalirwa. Nnyina n'amuzazika mu mmanvu ebisolo mwe biriira.

Awo okumpi, waaliwo abasumba abaali bakuuma amagana gaabwe. Malayika wa Mukama n'alabika, n'ababuulira amawulire ageewuunyisa.

“Olwa leero mu kibuga kya Dawudi, Omulokozi abazaaliddwa, ye Kristo, Mukama. Mujja kusanga Omwana omuwere agalamiziddwa mu mmanvu ebisolo mwe biriira.”

Amangwago, bamalayika abalala
bangi ne balabika nga batendereza
Katonda, ...

... nga bagamba nti “Ekitiibwa kibe eri Katonda mu ggulu ne ku nsi, emirembe gibe mu bantu ab’omutima omulongoofu.”

Abasumba ne bagenda mu kiraalo ky'ente. Bwe baamala okulaba omwana ne banyumizaako buli gwe baasanga bamalayika bye baayogera ku Yesu.

Ennaku amakumi ana nga ziyiseewo Yosefu ne Mariya ne batwala Yesu mu Ssinzizo e Yerusaalemu. Eyo musajja erinnya lye Simewooni n'atendereza Katonda olw'omwana oyo. N'omukadde Anna omuweereza omulala owa Mukama ne yeebaza Katonda.

Bombi baamanya nga Yesu Mwana wa Katonda, Omulokozi eyasuubizibwa abantu Yosefu n'awaayo ekitambiro kya bunyonyi bubiri. Kino kye kiweebwayo ekyali kyogerwako mu tteeka lya Katonda nti abaavu kye balina okuleeta nga bazze okwanjula eri Mukama omwana aba azaaliddwa.

Oluvannyumako,
emmunyeenye
eyenjawulo
yakulembera
Abasajja
Abagezi
abaava mu nsi y'ebuvanjuba,
n'ebatuusa e Yerusaalemu.
Ne babuuza nti: "Kabaka
w'Abayudaaya azaalibwa
ali ludda wa. Twagala
okumussaamu ekitiibwa."

Kabaka Herode n'awulira ku Basajja abo Abagezi. N'agamba nti: "Nange njagala okumussaamu ekitiibwa." Kyokka yali alimba. Yali ayagala kutta Yesu.

Emmunyeenye n'ekulembera Abasajja Abagezi,
n'ebatuusiza ddala ku nnyumba Mariya ne
Yosefu gye baalimu n'Omwana
Yesu. Abatambuze bano bwe
baafukamira ne bassaamu
Yesu ekitiibwa, ne
bamuwa ebirabo
eby'ebbeeyi
ebya zaabu
n'ebyakawoowo.

Katonda n'alabula Abasajja abo Abagezi okudda ewaabwe mu kyama. Herode n'asunguwala.

Omufuzi ono omubi, ng'amaliridde okutta Yesu, n'atta mu Beetelehemu abaana bonna abawere ab'obulenzi.

Kyokka Herode teyasobola kukola kabi ku Mwana wa Katonda! Yosefu bwe yalabulirwa mu kirooto, n'atwala Mariya ne Yesu mu Misiri. Bw'atyo Yesu n'awona okuttibwa.

Herode bwe yafa
Yosefu n'akomyawo Mariya ne Yesu
okuva e Misiri ne babeeranga mu kabuga
k'e Nazaareeti, kumpi n'ennyanja y'e Galilaaya.

Okuzaalibwa kwa Yesu

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Matayo 1-2 Lukka 1-2

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

Enkomerero

Kino ekinyumizibwa mu Bayibuli kitubuulira ku Katonda waffe eyeewuunyisa era ayagala tumumanye.

Katonda amanyi nga twakola ebintu ebibi, by'ayita ekibi. Ekibonerezo ky'ekibi kufa. Naye Katonda akwagala nnyo, kyeyava atuma Omwana we, Yesu, okufiira ku musaalaba, abonerebezebwe olw'ebibi byo. Olwo Yesu n'akomawo mu bulamu, era n'addayo ewuuwe mu Ggulu. Bw'okkiriza Yesu, n'omusaba akusonyiwe ebibi byo, ajja kubikola. Ajja kujja abeere mu ggwe, era naawe obeerenga naye olubeerera.

Bw'okkiriza nti kino kyamazima, gamba Katonda nti: "Yesu Omwagalwa, nzikiriza ng'oli Katonda, era nga wafuuka omuntu, olyoke ofe olw'ebibi byange, era kaakano waddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange, onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya, era lukye lumu, mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omuwulize gy'oli, n'okuba omulamu ku lulwo nga omwana wo. Amiina.

Somanga Bayibuli onyumyenga ne Katonda buli lunaku.
Yowanne 3:16